| Essomo 8 | الدرس الثامن |
|---|---|

# Akakakkulizo akomukaaga kwekukyogera kulwa Allah:

Amakulu kwekwatula ekigambo kino ngonoonya kusanyusa Allah, nga nakwo kwekulongoosa omuntu kwalongosaamu omulimugwe olwokugukolera ku nniya ennungi etaliimu bumulumulu bwa shiriki bwatyo navaamu ebigambobye byonna nebikolwabye byonna nga abinoonyamu kusanyusa Allah kuba abikola kululwe, nga temuli kunoonya kumulaba bamuwaane oba bamuwulire bamuwaane oba okunoonyamu emigaso emirala oba byayagala mu muntu yenna oba okwatiikirira okumanyibwa oba nga awalirizibwa olwo kwagalwa omuntu yenna oba amaziibu oba ekibinja nga kyekimuwuliriza naye nga sinkola yamubaka wabula alina okubeera nga byonna abikola kulwa Allah era nga abikolera kunjigiriza y'omubaka SAW olwokusanyusa Allah n'okwagala ennyumba eyemirembe eyenkomerero – amakulu ejjana, era nga tatunuulira muntu yenna na mutimagwe mu bantu nti yaba amusaula mubyokola wadde okumwebaza.
Agamba Allah mu Surat Zumara aya 3 nti;

Agamba Allah nti abange mu manye nti ye Katonda eddiini ekolebwa kululwe yekka, era nagamba Allah mu Surat Bayyina Aya 5 nti;

"Agamba Allah nti era abadde temwalagirwa okujjako okusinza Katonda nga mumwawulira eddiini (amakulu nga buli kintu kikolebwa kululwe kunoonya kusiimakwe".
Era n'agamba omubaka SAW mu Hadith eyawandiikwa Imaam Bukhar ne Musilimu nti;

Agamba omubaka SAW mu Hadith ya Itiban nti mazima Allah yaziyiza mu muliro omuntu eyayatula ekigambo kya la illah illah Allah nga akinopnyamu kusanyusa Allah.

**Neyomusanvu bwebwagazi mukyo**:
Amakulu bwebwagazi bw'ekigambo kino ekikulu ennyo nebyo byekitulaalikako okukola, n'obeera nga oyagala Allah n'omubakawe olwagala olusinga byonna byoyagala era naleeta obukwakkulizo bwo kwagala nebyo byebukukakasaako okuba nabyo, n'oyagala Allah olwagala olugattiddwamu ekitiibwa kye n'okumugulumiza n'okumutya n'okusuubira okuva gyali, era n'oyagala oyo gwayagala Allah nebifo byayagala Allah nga makka ne Madinah nemizikiti gyonna okutwalira awamu, era nayagala ebiseera byayagala Allah nga omwezi gwa Ramadhan n'enaku ekkumi eza dhurihijjah n'endala, ea n'oyagala ebiri by'abantu ab'enjawulo bayagala Allah gamba nga bannabbi n'ababaka nebamalayika nabogezi bamazima nabafiira muntalo zeddiini nabalongoofu era nayagala ebikolwa ebirungi nga esswala ne zakah n'okusiiba n'okukola Hijja, era n'ayagala n'ebigambo Allah byayagala nga okusoma Qur'an okujjukira Allah.
Era kiri mukwagala Allah okukulembera ebyo Allah byayagala kwebyo omutimagwo byegwala n'ebiguwa essanyu nebyo byeguwankirawankira era mulimu okutamea ebyo Allah byatamwa gamba n'otambwa obukafiiri, obwonoonefu, n'obujeemu.
"Agamba Allah mu Surat maida aya 54,

Agamba Allah nti abange mmwe abakkiriza omuntu yenna mumwe anakyuuka n'ava ku ddiini ye Allah kyaddaaki ajja kuleeta abantu abalala nga abaagala nnyo ate nga nabo bamwagala nnyo nga bakkakkamu eri abakkiriza ate nga ababitiibwa, bakambwe eri abatakkiriza nga balwana mukkubo lya Allah era nga tebatya kulwa Allah munenyi yenna anenya.